
# Ab'e Mityana baloopye abasawo ababaggyako ssente



Abatuuze nga baloopera Dr. Nabatanzi (ku kkono) emivuyo egiri mu ddwaaliro ly'e Mityana.

Bya LUKE KAGIRI

ABATWALA ebyobulamu mu disitulikiti y'e Mityana batuuyanye, abatuuze bwe babaloopye nga babalumiriza okulemwa okubawa obuweereza obulungi, n'okusaba abalwadde ensimbi mu malwaliro ga Gavumenti.

Baabadde mu lukung'aana (Baraza) olwayitiddwa abakungu okuva mu kakiiko akalondoola ebyobulamu mu maka ga Pulezidenti aka 'State House Health Monitoring Unit', lwe baatuuzizza ku mbuga y'eggombolola y'e Busimbi mu Munisipaali y'e Mityana wiiki ewedde.

Olukung'aana nga lutandika, abakungu baategeezezza nga bwe bamaze akabanga nga bali Mityana, nga kati baasazeewo bawulire ebirowoozo by'abantu ku mpeereza y'ebyobulamu, bageraageranye n'ebyo bye bafunye.

Mu basoose okwogera, ye yaliko Ssentebe wa disitulikiti eno era eyazzeemu okulondebwa ku kifo kye kimu Joseph Luzige, eyeekokkodde emivuyo egiri mu ddwaaliro lya Gavumenti eddene ery'e Mityana, n'agamba nti wadde yali agezezzaako okukkakkanya embeera, naye ate byeyongedde.

Abalala abaayogeddeko mu lukung'aana luno, baalaze obuzibu bwe bayitamu naddala mu ddwaaliro ekkulu ery'e Mityana, gye baagambye nti buli kimu kya kusasulira ate obuwanana bw'ensimbi.

Baayogedde ne ku malwaliro g'omu byalo, ne bagamba nti, go tegakola ku wiikendi n'ekiro.

"Divizoni y'e Busimbi y'esingamu abantu abangi naye ku ddwaaliro e Nakaseeta, ekiro totawaana," Haruna Kibirige Nziza owe Katakala bwe yagambye.

Abatuuze, beebbuzizza lwaki bagambibwa nti obujjanjabi n'eddagala bya bwereere, kyokka nga bwe batuukayo baggyibwako buwanana bwa nsimbi okukolwako.

Mu kwanukula, Dr. Juliana Nabatanzi, nga ye mumyuka w'akulira ekitongole kino yalabudde abasawo, nti balina okufaayo ku mirimu gyabwe, baweereze bulungi abantu.

Yayogedde ku nsimbi ezisabibwa abalwadde mu malwaliro, n'agamba nti kino kikyamu era anaakwatibwa ng'akikola waakuvunaanibwa kuba kimenya mateeka.

Yayisizza ebiragiro ku basawo ebigendereddwaamu okulaba nga bakola emirimu gyabwe nga tebamenye mateeka. N'asaba abatuuze okulondoola n'okuloopa ababasaba ensimbi.

Akulira eddwaaliro ly'e Mityana, Dr. Joseph Kikonyogo yagambye nti, wadde baboogerera naye bagezezzaako okuweereza obulungi.